# Ekisaakaate kya Future Stars kiggwa nkya



Abaana nga bazannya scrabble.

Bya SAMUEL TEBUSEEKE

EKISAAKAATE ky'ebyemizannyo ekya Future Stars ekibadde kiyinda okumala wiiki ku Somero lya Gayaza High School kikomekerezebwa nkya. Abaana babanguddwa mu mizannyo egy'enjawulo okuli; scrabble. Joel Muwanika, eyatendese aba scrabble yagambye nti, "Buli mwana agwetaaga kubanga gubaygiriza okubala wamu n'okuwagala obwongo nga bwe banoonya ebigambo." Abaana abali mu kisaakaate babaguddwa ne mu misomo egy'enjawulo.